# Okusunsula abayingira S1 kutandise

Bya HANNINGTON NKALUBO

OKUSUNSULAMU abayizi abayingira SI kutandise na bbugumu, Gavumenti n'eragira abakulira amasomero okunywerera ku mateeka agafuga ebyenjigiriza mu ggwanga.

Minisita w'eggwanga ow'ebyenjigiriza ebya waggulu, John Chrysestom Muyingo ye yagguddewo okusunsula abayizi okwabade mu kibangirizi kya bannamakolero e Lugogo ku Lwokuna nga kugenda kutwala ennaku bbiri.

Ku luno, amasomero gaalinnyisizza obubonero kwe batwalira ng'amasomero amanene bulijjo agatwala obubonero 4, 5 ne 6 agasinga gakomye ku bubonero 7.

Minisita Muyingo yabadde n'akulira omutindo gw'ebisomesebwa, Francis Atim bakaminsona n'abakungu okuva mu Gavumenti ssaako omubaka ku kakiiko ka Palamenti akakola ku byenjigiriza, Nathan Itungo.

Gavumenti yawadde ebiragiro nti, buli ssomero ligoberere amateeka nga lisunsula abayizi okulaba nti tebabanyigiriza.

"Essomero bwe liba lisazeewo kutwala abayizi abafunye obubonero 4, banywerere kw'ekyo sso si ate okuleka abamu ebbali," Muyingo bwe yagambye.

Abayizi abayingira S1 baakutandika nga March 3, 2026.



Minisita Muyingo (ku kkono) ng'abuuza abakulira essomero lya Ntare abatutte obubonero mukaaga. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.